OBULAMU BWO BULI BUTYA?

Omusujja gwnsiri gwegukugwira, gukumalako sente mmeka?

Biibino ebibuuzo ebitonotono byolina okwebuuza ng'ogezaako okutegeera engeri na kyenkana ki omusujja gw'ensiri gye gutukosaamu.

Ofulumya kyenkana ki,

1	Ku bujjanjabi bw'omusujja gw'ensiri?	
2	Ku ntambula ng'ogenda okufuna obujjanjabi	
3	Ku by'okuziika singa omuntu afa?	
4	Bw'ogula obutimba bw'ensiri?	
5	Bwe weggyako ensiko ekwetoolodde n'amazzi agalegamye mu maka go?	
6	Bw'oyambako mukyala wo okugenda okunywa eddagala mu ddwaaliro ngali lubuto?	
7	Bw'okkiriza ennyumbayo okufuuyirwamu eddagala eritta ensiri?	

Ofiirwa kyenkana ki,

8	Bw'olemererwa okugenda okukola?	
9	Bw'odda mu kugulira omulwadde emmere ey'enjawulo eragiddwa abasawo?	
10	Omwana wo bwalemererwa okugenda ku ssomero oba natakola bibuuzo?	
11	Ggwe oba ob'omu maka go bwe bagongobala nga kiva ku kulwala omusujja gw'ensiri?	
12	Olubuto lwa mukyala wo bwe luvaamu?	

Okuddamu kwo bwe kuba TEWALI eri ekimu ku bibuuzo ebyo waggulu: Ggwe n'ab'omu maka go muli mu katyabaga k'amaanyi okukwatibwa omusujja gw'ensiri. Buli lw'olwala omusujja gw'ensiri kikosa butereevu obulamu bwo.

CDC Centers for Disease Control and Prevention · USAID From the American People · President's Malaria Initiative

Chase Malaria to Zero

Obulamu?

AB'EKA BALI BATYA?

Ekiwandiiko–Ekiraga Akatyabaga omuntu kaayinza okubaamu

Okuba n'abantu abalamu ewaka kikulu nnyo bw'oba onaabeera mu bulamu obweyagaza era obukulaakulana. Omusujja gw'ensiri gusobola okukulemesa okuba omulamu n'okukulaakulana.

Okugoba omusujja gw'ensiri mu b'omu maka go kitandika na kwebuuza ebibuuzo nga bino ebikulu;

		Ye	Nedda
1	Wali owulidde ku Musujja gw'ensiri?		
2	Waliwo amazzi agalegamye awaka wo oba ensiko eyeetooloddewo?		
3	Wali olwadde ku musujja gw'ensiri oba abantu b'omu maka go?		
4	Osula mu katimba akalimu eddagala eritta omusujja gw'ensiri buli kiro?		
5	Abantu b'omu maka go basula mu katimba k'ensiri?		
6	Ggwe n'ab'omu maka go mugenderawo amangu ddala mu ddwaaliro ne mukeberebwa wamu n'okujjanjabibwa bwe mubeera mwakalaba obubonero bw'omusujja gw'ensiri gamba nga omutwe, n'ennyingo eziruma?		
7	Osobola okuyambako omwagalwa wo okugenda okunywa eddagala ngali lubuto n'okumira fansida okusobola okuziyiza omusujja gw'ensiri okumukwata?		

Okuddamu kwo bwe kuba NEDDA eri ekimu ku bibuuzo ebyo waggulu: Ggwe n'ab'omu maka go muli mu katyabaga k'amaanyi okukwatibwa omusujja gw'ensiri. Buli lw'olwala omusujja gw'ensiri kikosa butereevu obulamu bwo n'ab'omu maka go, ne mu by'ensimbi oba n'ekikukosa mu ngeri endala. Tuyinza obutamanya kyenkana ki omusujja gw'ensiri gyegukosaamu obulamu bwaffe n'ab'omu maka gaffe singa tubeera tetubaliriddemu sente ze tukozesa oba zetufiirwa bwe tulwala omusujja gw'ensiri.

CDC Centers for Disease Control and Prevention · USAID From the American People · President's Malaria Initiative

Chase Malaria to Zero

Obulamu?